
Bya EMMANUEL SSEKAGGO

# OMUNTU AFUNA SSENTE ENTONOTONO ENGERI GY'ASOBOLA OKUFUNA ETTAKA OBA ENNYUMBA KU KIBANJAMPOLA

BANNAYUGANDA naddala abo abayaayaana okulaba nga waakiri basobola okugulayo ku ttaka wamu n'okuzimba ennyumba mwe basobola okusula ne ffamire zaabwe, baweereddwa amagezi okwettanira enkola ez'ekibanjampola ezibasobozesa okufuna ettaka oba okuzimba olwo ne bagenda nga basasula mpolampola.

Bino byayogeddwa omukugu mu by'enfuna era ng'akola mu Pride Bank, Yusuf Kalumba bw'ategeezezza nti, okusinziira ku mbeera y'ebyenfuna eri mu ggwanga, abantu naddala aba bulijjo okutereka ssente ze basobola okugulamu ettaka wamu n'okuzimba amayumba si kyangu ng'okusobola okuvvuunuka okusoomoozebwa kuno, abantu balina okweyuna enkola ez'ekibanjampola ze balina ne basobola okuyambibwako okugula ettaka ne basigala nga balisasula mpola mpola.

Kalumba yagambye nti, ekirungi ku ttaka ly'oba ofunye ng'oyise mu bitongole ebyesigika okugeza nga bbanka, obeera mugumu nti, teririiko nkaayana ate ng'osobola n'okutandika okulikozesa ng'okyasasula ebbanja lyo.



Abamu ku bakozi ba Pride Bank nga bali n'aba Bakaima. Okuva ku kkono ye, Medard Owoyesigire, Godfrey Lule, Yusuf Kalumba, Daniel Kibira ne Joseph Lwanga Mugerwa.

Okwogera bino, Kalumba yabadde mu mukolo aba Pride Bank kwe baatongolezza enkolagana ey'omuggundu ne kkampuni ya Bakaima Real Estate Agents abantu mwe basobola okuyita ne bagula ettaka n'okulikulaakulanya nga basasudde ssente ntono ddala.

Mu nkola eno, ggwe agula ettaka osasula ebitundu 25 ku buli 100 ku ttaka ly'oba osiimye olwo bbanka n'esasula ezisigadde olwo n'ogenda ng'osasula bbanka okutuusa lw'omalayo ssente n'osobola okufuna ekyapa kyo.

Kalumba yagambye nti, okusinziira ku ngeri ebyenfuna gye bitambulamu, enkola ezifaanana bweziti ze zisobola okuyamba abantu ab'enjawulo naddala bamufunampola ne basobola okufuna ettaka eryabwe.

Akulira eby'emirimu mu Bakaima, Medard Owoyesigire yategeezezza nti, bakolaganye ne Pride Bank okusobozesa buli Munnayuganda mu bitundu eby'enjawulo alina ekirooto ky'okufuna ettaka akituukirize ate ku ssente ez'ekibanjampola.

Ekikwetaagisa okuganyulwa mu nkola eno kwe kufuna akawunti mu Pride Bank bw'oba togirina era n'osasula ebitundu 25 ku buli 100 ate n'olaga n'obusobozi nti, ojja kusobola okusasulanga ssente ezisigaddeyo mu bbanga eggere.